Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by Kalibattanya - 2007/09/10 15:09

Oluyimba luno lunzijukiza bwetwakolanga kali akadongo akasimire aka sekitulege emmanju, netukubangako. Naye kkwo okuba omuntu bwakulyako enyama tewali nsonga lwaki oddayo okumubuuza ever ever!!!! Ssi mululu, busungu!!

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by tonto - 2007/09/10 18:05

Mwana ggwe kyogamba kituufu. Nze nange oli bwanyima enyama, siddayo nakumubuuza. Teri kinyiiza nga kunyima nyama.

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by omumbejja - 2007/09/11 07:33

Njagala kulowooza nti twogera kunnyama eya meat oba mwe muli kubyammwe?

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by JeenaJulia - 2007/09/11 07:58

Anti ela nebwebiba ebyabwe yonna nyama ate nga elina amazzi, enjawulo nti emu elibwa mbissi ate endala effumbwa.

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by tonto - 2007/09/11 19:04

Ate enjawulo endala, eri nti empooma yanjawulo nyoooo. Eriibwa nga mbisi ewooma nnyo, ereeta n'akatuuyo.

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by omumbejja - 2007/09/11 20:43

Abaange lwaaki temwongerezaako nti ne setting eba ya njawulo, emu yakusowaani endala wonna wogyagalira wojirira, oyinza nogisabira kusowaani bwooba toyagala kuyiwa muchuuzi.Oba oyinza okusalawo ogisimbamu oluseke nogiwuuta live

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by Kalibattanya - 2007/09/12 20:28

Naye ate oba amazzi genyama gamubambula omumwa, teba nga yensonga lwaki munne yali agimumma ate temulekaako ebisago ebirala? Yyo kulwaayo enyama yetaaga emimwa migumu, bwotomala gaava eri nga ojja osaatuka nti mpa nnume ko!!

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo
Posted by kayanzi - 2007/09/28 11:43

Kalibattanya wrote:

Oluyimba luno lunzijukiza bwetwakolanga kali akadongo akasimire aka sekitulege emmanju, netukubangako. Naye kkwo okuba omuntu bwakulyako enyama tewali nsonga lwaki oddayo okumubuuza ever ever!!!! Ssi mululu, busungu!!

Waliwo eyanngamba mbu oluyimba lunno baluyita 'Omusango Gw'ennyama' naye siwulira bwebakiyimba.

==========

Re:Amazzi Genyama by Afrigo

Posted by nakanwagi_57@hotmail.com - 2007/09/30 21:35

_____

Amazzi ganyama gamubambula omumwa gamubambula omumwa olumugambako nasongoza omumwa ngatalifumbilwa.Abaganda baali bagezi nnyo nnyo kubanga oyo musajja wattu bwaba ngayali atamidde bwakaata yamanya ebigambo ebigenderawo natatuwemula ngabwebabikozesa enku zino oligweyali agamba yamanya kyaliko eranekyayali ayagala kuye ngabwemukimanyi nti ekintu ekilungi kifananyilizako nekyo kyosinga okuwomerwa nga enyama lwotagilyako banno nebasigala ngabakyakwesiga naye amakuulu agakilimu bwoba omanyi okusomera mubaasa gwenange omucuzi namazzi yawulawo.

==========